# Ekisaakaate ky'emizannyo kiggweeredde mu bbugumu

Bya SAMUEL TEBUSEEKE

EKISAAKAATE ky'ebyemizannyo ekya 'Future Stars 10-day Multi-Sport Residential Holiday Camp' kyakomekkerezeddwa mu bbugumu sa ku Gayaza High ne Gayaza Junior School.

Abaana baayolesezza obukodyo mu mizannyo gyonna omwenda omwabadde omupiira, okubaka, basketball, badminton, table tennis, okuwuga, chess, scrabble n'emirala.

Baasoose kukola dduyiro eyakulembeddwa omutendesi Ronald Ddamulira.

Akulira ebyenjigiriza ku disitulikiti y'e Wakiso, Prim Ritah yatenderezza Future Stars Sports Development Programme olw'okutegeka ekisaakaate kino ekiwa abaana omukisa okuyiga emizannyo.


"Ngy'oggyeeko nti kati minisitule y'Ebyenjigiriza n'emizannyo etadde essira ku byemizannyo, mu kiseera emizannyo kye kimu ku mirimu egisinga okusasula era bangi bafuuse bassita ne basitula famire zaabwe." Nnyanzi bwe yategeezezza abazadde.

Ye akulira ekitongole ky'ebyemizannyo ku disitulikiti ya Wakiso, Brian Ssenyonga yeeyamye okuyamba muzeeyi eyasasulidde muzzukulu we, Emmanuel Damulira azannya omupiira mu Future Stars Sports Camp.

Buli mwana yaweereddwa omujoozi ne satifikeeti okubayozaayoza.

Kkampuni ya Chapa General Enterprises Ltd abatuusa Prestige Margarine, Nala Instant Noodles, ssabbuuni wa Lanzo, Jamaa ne Tossi, baagabye ebirabo bya Ssekukkulu eri abazannyi 20 abaasukkulumye.

Ekisaakaate kino kyawagiddwa kkampuni ya Vision Group, Gayaza High, Gayaza Junior, ekitongole ky'ebyemizannyo ekya disitulikiti y'e Wakiso, Prestige Margarine, UMC Victoria Hospital, MTN MoMo ne Sumz.



Okuva ku kkono ye, Brian Ssenyonga, Prim Ritah ng'akwasa Damulira satifikeeti, Maria Nakkazi omulambuzi w'amasomero mu Kasangati Town Council ne Samuel Malunda jjajja wa Ddamulira. Baabadde Gayaza.

SAMMUEL TEBUSEEKE



Abaana abeetabye mu kisaakaate kya Future Stars nga bakutte ebirabo ebyabaweereddwa aba Prestige Margarine.